## BAKAZI BAGGYA BEEKOBAANYE NE BASALAKO BBAABWE EBITUNDU BY'EKYAMA

ABAKAZI 2 abagambibwa okusalako bbaabwe ebitundu by'ekyama nga bamulumiriza obwenzi, bakwatiddwa poliisi. Bibadde ku kyalo Butayunjwa B mu ggombolola y'e Buyanja mu Buyende, bwe baafumbikirizza Robert Bebwa (51) nga y'amyuka ssentebe wa LC 1 ku kyalo ekyo ne bagezaako okumukekejjulako ebitundu bye ebyekyama. Poliisi y'e Kidera, yakutte Esther Naluvuma (44) ne Norah Nakayunja olw'okutuusa obuvune ku muntu. Omwogezi wa poliisi mu Busoga North, Samson Lubega, agambye nti Bebwa atwaliddwa mu ddwaaliro lya Kidera Health Centre IV okufuna obujjanjabi.